UGANDA REGISTRATION SERVICES BUREAU

# OBUBONERO OBWAWULA BIZINENSI MU UGANDA

Omulimu gw'ekitabo kino omukulu, kwe kuwa obubaka obusookerwako mukumanya Obubonero obw'ebyobusuubuzi.

Omuntu Omulala yenna ayagala okukyusa obubaka obuli mu kitabo kino awamu n'okukozesa obubonero oba logo ya URSB alina okusaba olukusa okuva mu URSB.

URSB terina biroowoozo ku nnambika mu mateeka eri amakampuni agateereddwa mu kitabo kino.

Ebifaananyi ebimu ebikozeseddwa mu kitabo kino biggyiddwa mu lijesita ya URSB. Amakampuni oba ebyamaguzi ebimenyedwa mukitabo kino tekitegeeza nti bivugirirwa URSB okusiinga kubalala abatakooneddwako.

© Copyright, URSB

**Uganda Registration Services Bureau**

Uganda Business Facilitation Centre, Plot 1, Baskerville Avenue, Kololo,

P.O.BOX 6848, Kampala, Uganda.

Cover photo credit:
elements/downloads/envantousercontent

UGANDA REGISTRATION SERVICES BUREAU

*your registration needs served*


Obubonero kye ki?
Omuko 01

Bubonero ki obusobola okuwandiisibwa?
Omuko 05

Amadaala mu kuwandiisa obubonero
Omuko 12

Okukuuma obubonero obuwandiise
Omuko 19

Ebika by'obubonero obulala
Omuko 22


## ENNYANJULA

Ekitongole ekiyitibwa Uganda Registration Services Bureau" (URSB), ky'eKitongole ky'agavumenti ekiwandiisa ebintu ebyenjawulo okugeza, amakampuni, amanya ga bizinensi, embaga awamu n'ebiyiiye.

URSB ewandiise ekitabo kino ekifa ku bubonero obwawula bizinensi okwanguyiza n'okunnyikiza entegeera y'abantu ku mateeka agafuga obubonero buno okusobozesa okwongera ku kumanya, amagezi n'enkozesa y'obubonero ku lw'enkulaakulana ya bizinensi n'eby'enfuna mu Uganda.

# EBIRI MU KITABO KINO

**ENNYANJULA** .......................................................................... ii

**OBUNONERO OBWAWULA BIZINENSI KYE KI?** .................................. 1

Eby'okulabirako kubiyinza okukozesebwa ng'obubonero .............. 1

Emigaso egiri mu bubonero ....................................................... 3

Obwannanyini obw'enjawulo mu biyiiye eby'obwongo ................. 3

Enjawulo wakati w'obubonero obwawula bizinensi n'erinnya lya kampuni ............................................................................. 4

**OKUWANDIISA OBUBONERO MU URSB** ........................................... 5

Ebirungi ebiri mukuwandiisa obubonero mumateeka .................... 5

Biki ebisobola okuwandiisibwa ng'obubonero ............................... 5

Obubonero bulina okuteekebwa ku byamaguzi oba ku buweereza. 7

Ensengeka y'ebyamaguzi n'obuweereza okusinziira ku kitabo kya NICE classification .................................................................. 7

Ani ayinza okusaba okufuna obubonero? ...................................... 11

Weetaaga munamateeka okuwandiisa obubonero? ....................... 11

Amadaala goyitamu okuwandiisa obubonero mu URSB ................ 12

**OKUKUUMA N'OKUKOZESA OBUBONERO** ........................................ 19

Okuzza obuggya obwannanyini ku bubonero ................................ 19

Okuwandiisa enkyukakyuka mu bikukwatako mu lijesita ya URSB 19

Okukozesa akaboneroko akawandiise .......................................... 20

Labiriza enkozesa y'akaboneroko mu katale .................................. 20

Kiki kyoyinza okukola singa omuntu aba atyoboola akaboneroko. 20

Okuwandiisa obubonero mu nsi endala ........................................ 20

**EBIKA BY'OBUBONERO OBULALA ..................................................22**

Obubonero obukakasi (Certification marks) .................................. 22

Obubonero obukozesebwa ba memba (Collective marks)........... 22

Obubonero obumanyikiddwa obulungi.......................................... 23

**OLUKALALA LW'EBIJULIZIDDWA N'ENSONGA ENDALA EZ'AMAKULU.24**

**OFIISI ZA URSB EZ'EBITUNDU MU UGANDA .....................................26**

# OBUNONERO OBWAWULA BIZINENSI KYE KI?




Obubonero buno bwawula bizinensi n'ebyamaguzi eby'abizinensi oba eby'omusuubuzi omu okuva ku by'omusuubuzi omulala. Okugeza, amata agatundibwa wansi w'erinnya "**JESA"** okuva mukampuni ya JESA Farm Dairy Ltd g'awula erinnya ku mata agatundibwa wansi w'erinnya "**LATO**" agava mukampuni ya Pearl Dairy Farms Ltd.

Obubonero buyinza okuba ebigambo, ebifaananyi, dizayini, eŋŋombo, ennukuta eziwandiikiddwa mu bufunze, amaloboozi, obuwoowo, langi, laama, amannya, siginica (omukono ogusibwa ku biwandiiko), ennukuta, ennamba oba ebimu kw'ebyo nga bigatiddwa wamu era nga bisobola okulabibwa.

Eteeka ku bubonero liyamba nnanyini kabonero okuba n'obuvunaanyizibwa okukakozesa okwawula ebintu bye oba empeereza ze ku birala, oba okuwa abalala olukusa okukozesa akabonero ako nga bakkaanyiiza ku nsasula.

## Eby'okulabirako kubiyinza okukozesebwa ng'obubonero

*[a] Obubonero obw'ebigambo byokka.* Okugeza;

MOVIT, RIHAM, AZAM, BELL, JESA, MOVIT, SAFI, DASANI, ENGULE.

*[b] Obubonero obwa logo:* Logo esobola okubeera ekifaananyi kyonna, ebigambo ebizimbulukusiddwa mu dizayini ez'enjawulo ne langi ez'enjawulo oba obulambe nga bugattiddwa wamu. **Eby'okulabirako;**

*[c] Obubonero obw'ekikula*

Ebiseera ebimu, ekikula ky'ekyamaguzi oba ensabika yaakyo esobola okukozesebwa nga akabonero. Okugeza, ekikula ky'eccupa ya Coca-Cola kikozesebwa nga akabonero akaawula sooda wa Coca-Cola okuva ku sooda akolebwa bizinensi endala.



*[d] Obubonero bw'emikono oba siginica.* Okugeza, emikono egisibwa ku biwandiiko gino wammanga.






*[e] Eŋŋombo ez'enjawulo (slogan).* Eby'okulabirako;

MTN everywhere you go

JESA START YOUR ADVENTURE


*[f] Obubonero bw'ennukuta oba ebigambo ebifunziddwa*

URA   CJ's   FUFA   URSB UGANDA REGISTRATION SERVICES BUREAU   UMA

*[g] Obubonero obuli mu Langi ez'enjawulo*

Cadbury   MTN   Fenon   Fenon MUSIC FILM EVENTS

*[h] Amaloboozi*




Okugeza, akayimba k'owulira nga essimu ya NOKIA evuga.

## Emigaso egiri mu bubonero

- *Obubonero bw'amuwendo n'obugagga mu bizinensi*. Osobola okuwa abantu abalala olukusa okukozesa akaboneroko oba n'okukatunza abala ne muvaamu ssente. Okugeza, mu 2021, ekitongole kya MTN kye kyalya mu bubonero obulala akendo mu Africa era akabonero ka MTN n'ekabalibwamu Ddoola obuwumbi 2.7.
- *Okwewola ssente*. Obubonero busobola okukozesebwa ng'omusingo mukwewola.
- *Eby'empuliziganya n'okulanga*. Obubonero bwamaanyi mu kulanga bizinensi yo wamu n'ebyamaguzi. Obubonero buwa bwiino, ekitiibwa n'obukulu obukwata ku bizinensi yo wamu n'ebyamaguzi by'ofulumya.
- *Okwawula bizinensi yo kuzabalala*. Obubonero buyamba abaguzi okukwawula nga bizinensi wamu n'ebyamaguzibyo oba obuweereza mu katale k'ebyobusuubuzi.
- *Okusikiriza abaguzi*. Obubonero bukuyamba okusikiriza abaguzi okukakkana nga abaguzi bangi bayaayanira ebyamaguzibyo ekintu ekyongeza okubintunda kukatale.

## Obwannanyini obw'enjawulo mu biyiiye eby'obwongo
(Copyright, Patents & Trademarks)

Obwannanyini obw'enjawulo mu biyiiye eby'obwongo buwa ayiiyizza eddembe ly'okugaziya n'okufuna mu kyayiiyizza wamu n'okukugira abalala obutafuna mubiyiiyebye nga tebafunye lukusa. Obwannanyini buno mulimu ebika eby'enjawulo omuli obubonero, obuyiiya obw'ekikugu ne copyright.

*a. Obubonero (Trademarks)*

Obubonero bw'ebyobusuubuzi bw'ebumu ku bika by'obwannanyini ku bivumbulwa n'ebiyiiye. Obubonero, okusingira ddala, bukuuma amannya ga bizinensi n'obulambe obukozesebwa ku byamaguzi n'obuweereza.

*b. Obuyiiya obw'ekikugu (Patents)*

Luno olukusa lwa njawulo oluweebwa omuntu olw'okuyiiya ekintu ekipya

eky'obukugu. Kuno okuyiiya kuyinza okuba okwa teknologiya oba enkozesa y'ebintu empya oba ekintu ekikozesebwa ekipya. Ekiyiiye kiba kipya, tekilabwangako, tekimanyikiddwa ate nga sikyangu okukolebwa buli omu. Obuyinza buno buziyiza omuntu okukola ekyo kyenyini nga talina lukusa. Eby'okulabirako by'olukusa luno mulimu bbalubu, ekikwaso, amasimu, amataala, emotoka n'amasannyalaze.

*c. Copyright*

Copyright bw'ebwannanyini obuweebwa kubiyiiye eby'enjawulo okugeza, ebitabo, ennyimba, ebisiige, ebibuumbe, engero, emizannyo, amawulire, ffirimu, ebiyiiyiziddwa mu nnyimba, ebifaananyi ebikube n'engalo n'ebifaananyi bya kkamera ne firimu mpaka kubikolebwa kompyuta, maapu, n'ebirangibwa. Buno bukuuma obwannanyini bwa bannakatemba, bapulodyusa (abasunsuzi b'ebifulumizibwa) n'abo abali mu mulimu gw'okufulumya ebigenda ku mpewo.

Okumanya ebisingawo kundowooza zino, kyalira ekibanja kya URSB: https://ursb.go.ug/intellectual-property-2/

## Enjawulo wakati w'obubonero obwawula bizinensi n'erinnya lya kampuni

Ebiseera ebisiinga, erinnya ly'akampuni ly'awukana ku mannya agakozesebwa ku by'amaguzi oba obuweereza bwa bizinensi. Okugeza, **HARISS INTERNATIONAL LTD ly'erinnya lya** kampuni. Harris International Ltd erina obubonero obukozesebwa ku byamaguzi obw'enjawulo. Okugeza, **RIHAM** akozesebwa ku bisikuuti**, ROCKBOOM** ne **ONER** obukozesebwa kuby'okunwya.

Erinnya lya kampuni ly'erinnya erijjuvu eriyitibwa bizinensiyo atte nga akabonero ke kalambe akaawula ebyamaguzi oba obuweereza bwa bizinensiyo mu katale.

**KINO KIKULU:** Okuwandiisa erinnya lya kampuni tekikuwa buyiinza kukugira balala okulikozesa ku byamaguzi byaabwe okujjako nga oliwandiisiza ng'akabonero akawula bizinensi (trademark).

# OKUWANDIISA OBUBONERO MU URSB

## Birungi ki ebiri mukuwandiisa obubonero mumateeka?

- *Kyangu okukakasa obwannanyini*: Satifikeeti ekakasa okwewandiisa ewa obujulizi obw'enkukunala nti akabonero ako ddala kako.
- *Eky'obugagga*: Osobola okuwa omuntu omulala obuyiinza okukozesa akabonero era osobola okutunda oba okuwa akabonero omuntu omulala, nga bwegwandibadde ku kitundu ky'ettaka.
- *Kyangu okukkaatiriza akabonero akawandiisiddwa:* Osobola okuyimiriza abakuvuganya okukozesa akabonero akafaanana akaboneroko wamu n'okuyimiriza ebyamaguzi ebiyingizibwa mu ggwanga ng'abiteekedwaako akabonero akefaananyiza akaboneroko.
- *Okwewola nga okozesa akabonero*. Osobola okukozesa satifikeeti y'obwannanyini ng'omusingo mu kwewola sente.

## Biki ebisobola okuwandiisibwa ng'obubonero

Ssi buli bigambo oba obulambe nti buwandiisibwa ng'obubonero. Obubonero, okusobola okuwandiisibwa, bulina okubaako obukwakkulizo bwebutuukiriza obuli mu tteeka lya Trademarks Act, 2010.

*Obubonero bulina okutuukiriza obukwakkulizo buno wammanga;*

- Bulina okuba obwawufu era nga busobola okwawulwa kubulala.
- Tebulina kunnyonnyola byamaguzi by'otunda oba obuweereza bw'owa.
- Tebulina kufaanagana n'obubonero obwa bizinensi endala efaanaganya ebyamaguzi oba obuweereza.
- Bulina okubeera nga buteekebwa ku byamaguzi oba nga bukozesebwa ku buweereza.
- Bulina okuba mu mateeka. Waliwo ebigambo ebimu oba obubonero obutakikkirizibwa kukozesebwa mumateeka.

*Ebigambo oba ebifaananyi ebitakirizibwa kukozesebwa nga obubonero*

Akabonero kayinza okugaanibwa singa;

- tekooleka mpisa, keesitaza, oba kakontana n'amateeka. Eky'okulabirako; okukozesa ekigambo "**ENJAGA**" ng'akaboneroko kiyinza obutakkirizibwa anti ekigambo kyesitaza;
- kawabya oba kalimba abaguzi ku byamaguzi. Okugeza, okuwa akabonero erinnya "**Eddiba lyennyini**" kyokka nga ebyamaguzi tebikoleddwa mu ddiba;
- kakozesa erinnya ly'ekifo, ensi oba ekitundu kyonna. Okugeza; NAIROBI, MBALE, MBARARA oba LYANTONDE;
- kaba nga erinnya erimanyikiddwa ery'ekika okugeza, "NALULE" "MUGISHA" "AKOL" "AGABA" oba "KAKOOZA";
- kaba keefanaanyiriza bbendera, engabo, obubonero bw'eggye, obwamawanga, obubonero obukkiriziddwa mu mateeka oba obubonero bwonna obwoleka ebitongole, ensi n'ebibiina by'obwegassi;
- bwekaba nga kalina akabonero k'omusaalaba omumyufu oba omusaalaba omweru ogw'ekitongole ekya RED CROSS n'ekibuga, GENEVA; oba
- kafaanagana n'obwabalala nga buwandiise mu URSB. Weewale okukoppa obubonero obuwandiisiddwa abalala mu bizinensi kubanga basobola okuwaabira mumateeka n'ekikosa bizinensi yo.

*Akabonero kalina okuba akaawufu era nga kasobola okwawulwa*

Akabonero kabeera kaawufu bw'ekaba kasobola okwawula ebyamaguzi oba obuweerezabwo okuva kw'obwo obwa bizinensi endala. Akabonero kateekeddwa okubeera nga kasikiriza abaguzi n'okubategeeza kampuni ebyamaguzi ebyo mwebiva. Eby'okulibarako;

•Omuguzi tasobola kulaba ccupa eno nga tekuli kabonero kona naasobola okwaawula n'okumanya bizinensiyo

**Akabonero akataawula**



•Akabonero tekalina kunnyonnyola ebyamaguzi by'ekatunda.

**Ebigambo ebinyonyozi**




•Mulimu ebigambo ebiyiiye oba ebigambo ebyabulijjo naye nga amakulu g'abyo agamanyikiddwa tegalina kakwaate ku byamaguzi kw'ebikozeesebwa.

**Akabonero akaawula kalina amaanyi.**



## Obubonero bulina okuteekebwa ku byamaguzi oba ku buweereza.

Omuntu yenna asaba akabonero alina okuwa olukalala lw'ebyamaguzi oba obuweereza kwe kagenda okozesebwa nga asinziira ku nsegeka mukitabo kya NICE Classification.

Ebyamaguzi bibeera bintu ebikalu byokola gamba nga, ebikopo, amata, sabuuni, eggaali, ttivi, oba engoye. Obuweereza giba mirimu egikolebwa okugasa omuntu omulala gamba nga, obuweereza bw'okuddaabiriza eggaali, obuweereza mu by'obufumbi oba amalwaliro. Bw'oba nga oli musuubuuzi wa ngato naye nga sigwe azikola, bizinensi yo ebeera yabuweereza.

## Ensengeka y'ebyamaguzi n'obuweereza okusinziira ku kitabo kya NICE classification

Uganda erina ebibinja ku byamaguzi n'obuweereza ebiri wansi w'ekitabo ekiyitibwa NICE CLASSIFICATION. Ekitabo kino kiteeka ebyamaguzi n'obuweereza mu bibinja 45 (kilaasi amakumi ana mutaano). *Ekibinja ekisooka okutuuka ku kibinja 34 (1-34), bikwaata ku byamaguzi*, ate, *ekibinja 35 okutuuka ku 45 (35-45) bikwaata ku by'abuweereza*.

*Eky'okulabirako*: Omuntu akola engato alonda ekibinja 25 ekikwaata kubyambalo by'ekigere. Bw'oba oli musubuuzi w'engato ezikolebwa amakampuni amalala, awo olonda ekibinja 35 ekiwaata ku by'obuweereza by'obusuubuzi obw'engato.

Kijja kukwetaagisa okusasula ebisale ebisingawo singa okusabakwo kuzingiramu ebyamaguzi ebisukka mu kibinja ekimu ekya NICE CLASSIFICATION.

**KINO KIKULU**: Ebibinja bino wammanga bivunuuddwa okuva mu lulimi oluzungu. Mukugoberera ensengeka yebibinja bino, otegezeebwa nti ensengeka yebibinja mululimi oluzungu yekozesebwa mumateeka. Ebibinja bino bigazi ddala era nga bikwata ku bintu eby'enjawulo. Bwiino asingako wano, kyalira ekibanja, www.wipo.int/ classifications /nice/en/ okulaba olukalala olulambulule.

| EBIBINJA | EBYAMAGUZI OBA OBUWEEREZA |
|---|---|
| | ***Ebyamaguzi (1-34)*** |
| *1.* | Zikemiko ezikozesebwa mu makolero, ssaayansi n'ebifaananyi, ne muby'obulimi |
| *2.* | Langi, ebiziyiza obutalagge n'okwonooneka kw'embaawo, daayi. |
| *3.* | Eby'okwewunda ebitali bya kisawo, ebikozesebwa okuteekateeka kabuyonjo, obuwoowo ne oyiro. |
| *4.* | Oyiro w'amakolero, wakisi, ebiseereza, amasanda agakozesebwa okusiba ebintu, amafuta n'ebikola omuliro. |
| *5.* | Eby'eddagala eby'ekisawo n'ebikozesebwa mu bujjanjabi bw'ebisolo n'abantu, emere y'abaana abato, wakisi w'amannyo, ebiddagala ebikozesebwa okuta obuwuka. |
| *6.* | Ebyuma ebya bulijjo n'ebintu ebiva mu byuma |
| *7.* | Masiini, ebyuma bya masiini, ebyuma ebikozesebwa amasannyalaze; ebyuma bya engini nga ojjeeko engini z'ebidduka byokuttaka. |
| *8.* | Masiini ezikozesebwa nga zikwatiddwa n'engalo; ebikozesebwa mufumbiro nga okulya n'okujjula emere |
| *9.* | Ebintu n'ebyuuma ebitambuza amasanyalaze, ebiwereza amasanyalaze kumikutu ejenjawulo, ebitereka n'ebigera amasanyalaze okusinziira kuntambuza oba enkozesa yaago; ebintu ebikwaata n'okufulumya amaloboozi, ebifaananyi oba bwiino |
| *10.* | Ebyuma ebikozesebwa mudwaliro, eby'ammanyo, eby'ekyisawo, n'ebijanjaba ebisolo |
| *11.* | Ebikozesebwa n'ebiyimirizaawo ekitangaala, ebbugumu, okunyogoza, ebikola omukka, okufumba, okukaza, okusengejja empweo, okusaasaanya oba okutambuza amazzi n'okukuuma amazzi. |
| *12.* | Ebidduka; ebikozesebwa mu ntambula ku ttaka, mu bbanga ne kumazzi |

| | |
|---|---|
| *13.* | Emmundu; Ebiriroliro ebibwatuka |
| *14.* | Ebyuma n'amayinja eby'omuwendo n'ebikoleddwa okuva mubyuuma ebyo okugeza amasaawa, golodi n'edayamondi |
| *15.* | Ebintu n'ebyuuma ebikozesebwa mu by'okuyimba |
| *16.* | Empapula eza bulijjo n'empapula engumu wamu n'ebintu ebikozesebwa mu ofiisi. |
| *17.* | Amasanda n'ebintu ebikoleddwa mumasanda; ebintu enkola ya pulasitika |
| *18.* | Eddiba n'ebyefaanaanyiriza eddiba; amaliba ag'ensolo ennenne n'entono |
| *19.* | Ebintu by'okuzimbisa ebitali bya kyuuma |
| *20.* | Ebibajje, endabirwaamu, fuleemu z'ebifaananyi; Ebita enkola etali ya kyuuma eby'okutelakamu oba okutambulizaamu Ebintu |
| *21.* | Ebintu ebikozesebwa awaka oba mufumbiro; obuuma obukozesebwa okulongoosa awaka |
| *22.* | Emiguwa n'akawuzi; obutimba; weema n'obuveera; engoye n'entundubaale; amatanga, ebikutiya ebikozesebwa okutereka n'okutambuza ebintu mubungi |
| *23.* | Obugogwa n'ewuzi, eby'okukora engoye |
| *24.* | Engoye n'ebisobola okukozesebwa mukifo ky'engoye; engoye ez'omunyumba entimbi |
| *25.* | Engoye z'okwambala, engatto/eby'okwambala mubigere, enkofiila oba eby'okwambala mumutwe. |
| *26.* | Obuleesi, emiguwa n'ebiruke n'engalo ebikozesebwa okutimba, okusiba ebirabo, okusiba mukyeenyi oba muburago; amapeesa, amalobo n'amaaso, pini/enninga n'empiso; ebimuli ebitali byabutonde; eby'okutimba enviiri, wiigi/enviiri abakazi z'ebagula. |
| *27.* | Ebiwempe/kapeti, ebisimuula, emikeeka, ebiwempe n'ebitu ebirala ebikozesebwa okubiika wansi ku ttaka; ebiwanikibwa kubisenge munyumba ebitali bikole okuva mungoye. |
| *28.* | Emizzanyo, ebintu by'abaana eby'okuzanyisa n'ebilara ebikozesebwa mukuzanya; eby'okutimba emiti gya ssekukkulu. |
| *29.* | Enyama, eby'enyanja, ebinyonyi n'emiyiggo; ebikolebwa okuva munnyama; ebibara n'enva endirwa ebikaziddwa oba ebitekerrwa mu furigi |

| | |
|---|---|
| *30.* | Kaawa, amajaani, kooko, nekaawa omukole obukozi; omuceere, n'amakolooni; kawunga kamuwogo n'emmere evva mubinazi; ensaano n'ebitekerwatekerwa okuva mubilime eby'empeke |
| *31.* | Ebintu ebibisi ng'ate sibiteketeke ebiva mu kulima n'okulunda mu mazzi, enjukki n'ebibira |
| *32.* | Omwenge/bbiya; eby'okunywa ebitatamiiza; amazzi; omubissi n'ebyokunywa ebiva mu bibara |
| *33.* | Ebitamiiza okujjako bbiya |
| *34.* | Taaba n'ebisobola okudda mukifo kya taaba |
| ***Obuweereza (35-45)*** | |
| *35.* | Okulaanga; enfuga, obusuubuzi, entekateeka n'enkulembera ya bisinensi; enkola y'omu ofiisi. |
| *36.* | Eby'enfuna eby'ensimbi n'obuweereza bw'ekittavvu; obuweereza bwa yinsuwa n'enkola y'okuguza abantu ettaka n'amayumba. |
| *37.* | Obuweereza bw'ebizimbisibwa, amasannyalaze n'okugandaabiriza; okuyiikuula eby'obugagga mu ttaka, okusima oyiro n'empewo. |
| *38.* | Obuweereza bw'empuliziganya z'oku ssimu. |
| *39.* | Eby'entambula; okusabika n'okukuuma ebyamaguzi; okuteekateeka engendo. |
| *40.* | Okusengejja ebikozesebwa; okufumba ebintu ebikozeseeko; okusengejja empweo n'amazzi |
| *41.* | Okusoma; okutendeka; okusanyusa; eby'emizannyo n'ebikolebwa mu buwangwa. |
| *42.* | Obuweereza bwa ssaayansi ne tekinologiya wamu neby'okunoonyereza kubintu ebyenjawulo |
| *43.* | Obuweereza bw'okutuusa emmere n'eby'okunywa; eby'ensula ebitali byalubeerera. |
| *44.* | Obuweereza bw'obujjanjabi eri abantu; obulimi n'obulunzi; eby'obuyonjo n'okwerabirira |
| *45.* | Obuweereza bw'amateeka, obw'obukuumi ku bantu n'ebintu; obuweereza bw'abantu n'ebintu bya bulijjo obuweebwayo abalala okusobola okukola ku byetaago by'abantu. |

## Ani ayinza okusaba okufuna obubonero?

Okutwalira awamu, kampuni oba omuntu yenna, asobola okusaba obwannanyini mumateeka. Osobola okubeera omuntu ssekinoomu oba kampuni empandiise mumateeka.

## Weetaaga munamateeka okuwandiisa obubonero?

Tekyetagisa munamateeka okuwandiisa obubonero bwobeera nga oli munayuganda, oba nga oli bizinensi oba kampuni empandiise mu Uganda. Naye nga, obuweereza obw'amunamateeka bulina emigaso mingi okuli;

- Okukuyamba okukwasaganya emirimu gyonna egikwata kukufuna obwannanyini kububonero, okubuzza obujja, okuwandiika endagaano ezibutuunda oba okuwa abantu abalala obuyiinza okubukozesa.
- Okutegeka n'okugoberera ebigenda mu maaso ku fayiroyo ey'okusaba obwannanyini mu URSB.
- Okukuwabula oba akaboneroko kayita.
- Okukuwolereza singa okusabakwo kubaako akabuuza.

*Abagwiira ne kampuni empandiise mu mawanga amalala*

Abantu abatali Banayuganda n'ekampuni empandiise ebweru wa Uganda balina okukozesa munamateeka mu Uganda okuwandiisa obubonero.

*Wa w'oyiinza okusaanga munamateeka omukugu mukuwandiisa obubonero?*

Kakasa nti munamateeka gwofunye alina obumanyirivu ku by'obunonero era nga muwandiise n'Ekitongole ekya URSB, ekivunaanyizibwa ku kuwandiisa obubonero mu Uganda. URSB ekuuma olukalala lw'abanamateeka ku kibanja kino; https://agents.ursb.go.ug/search/rm_tmagents_list.php.

## Amadaala goyitamu okuwandiisa obubonero mu URSB

### Amadaala mubufuunze

| | |
|---|---|
| *Eddaala 1:* OKUNOONYEREZA KUBULIWO | Ng'omaze okusasula ensimbi ezeetaagibwa, saba okunoonyereza kukolebwe okukakasa oba akaboneroko mu lijesita sikawaandiise. https://ursb.go.ug/dynamic-pages/trademark-search. |
| *Eddaala 2:* OKUSABA OKWEWANDIISA | Asaba akabonero assaayo okusaba kwe oluvannyuma lw'okusasula ssente z'okusaba.https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-tmefiling/wizard.htm?execution=e1s1. |
| *Eddaala 3:* OKUKEBEREBWA | Okusabakwo kukeberebwa omuwandiisi (registrar) okulaba oba akabonero katuukiriza ebisaanyizo mumateeka. |
| *Eddaala 4:* OKULANGIBWA | Okukeberwa nga kuyiseemu, akabonero ako kalangibwa mu Uganda Gazeeti oba ku kibanja kya URSB okumala ennaku 60.https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-eservices/tm-opposition.htm?execution=e3s1 |
| *Eddaala 5:* OKUWEEBWA SATIFIKEETI | Bwe watabaayo bawakanya akaboneroko oluvannyuma lw'ennaku 60 nga kalangiddwa mu Gazeeti, ng'omaze n'okusasula ssente zonna ezeetaagibwa, registrar ayingiza akaboneroko mu lijesita era agaba satifikeeti y'okuwandiisibwa.https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-eservices/tm-registration.htm?execution=e1s1. |

### Ebisale mukuwandisa obubonero

| EBISALE | BANNANSI (UGX) | ABAGWIIRA (USD) |
|---|---|---|
| **Okunoonyereza ku lijesita** | 25,000 | 65 |
| **Okusaba obwannanyini** | 50,000 | 150 |
| **Okulangibwa ku kibanja kya URSB** | 100,000 | 80 |
| **Okufuna satifikeeti** | 100,000 | 250 |
| **Okuzza obujja akabonero** | 100,000 | 250 |

*Olukalala olujjuvu olw'ebisale lusangibwa ku kibanja kyaffe ku mutimbagano gwa www.ursb.go.ug. Singa okusabakwo tekuyitamu ebisale tebikuddizibwa.*

## Amadaala mubujjuvu

### A. Eddaala elisooka: Okunoonyereza ku bubonero

Kola okunoonyereza kubuliwo ku kabonero okukakasa nti tekali mu lijesita ku kibanja kya URSB, https://www.ursb.go.ug/dynamic-pages/application-for-trademark-search. Okukola okunoonyereza nga tonaba kuwaayo kusabakwo kyamugaso ddala kubanga ebivaamu byandikuyamba okuzuula oba kaliko obwannanyini obulala n'okutaasa ebiseera ne ssente.


#### [a] Aw'okukolera okunoonyereza kubuliwo ku lijesita

Okunoonyereza ku kabonero kusobola okukolebwa ku mutimbagano ogw'ayitaneenti oba ku Yiimeyilu (email).

*Omutimbagano: Ekibanja kya URSB ku yintaneeti:* Okunoonyereza kusobola okukolebwa ku mutimbagano ku kibanja kya URSB kino; https://www.ursb.go.ug/dynamic-pages/application-for-trademark-search.

*Okunoonyereza ku kabonero nga oyita ku yiimeyiro:* Okunoonyereza kukolebwa ng'ojjuza olupapula olukozesebwa mu kunoonyereza oluyitibwa TM27 nga osasula n'ebisale by'okunoonyereza. Obubaka buno obusindika ku yiimeyiro eno; ip@ursb.go.ug.

*Wammanga y'endagiriro y'okujjuzaamu foomu TM27*


FORM TM 27

THE REPUBLIC OF UGANDA
THE TRADE MARKS ACT, 2010.

REQUEST FOR SEARCH

To:
**The Registrar of Trade Marks,**
**P.O Box 6848,**
**Kampala.**

Name, address, telephone number and email address of person making the request:
.......... POTATO UGANDA LTD ..........
Of .......... Plot 1, Wampe Avenue. P.O.Box 1, Kampala Uganda. ..........
Tel No. .......... 414111222 ..........
Email address: .......... potatouganda@gmail.com ..........
I hereby request that a search be made in respect of goods and services in the following classifications:
.......... Clothing, Footwear and Headgear in class 25. ..........
to ascertain whether any mark is on record that resembles the trade mark **SUNSHINE**, duplicate representations of which are attached to this request (Attach trademark in TM Form 3).

Dated the ...... 30th ......... day of ......... November ...... 2021 .......

..........................
(Signature)

### [b] Okwebuuza ku muwandiisi w'obubonero

Osobola n'okwebuuza ku muwandiisi w'obubonero (registrar) okulaba obusobozi bw'akabonero k'osaba. Okusaba kuno kusobola okukolebwa nga ojjuza olupapula oluyitibwa TM28 n'osasula n'ebisale.

Ebiva mukunoonyereza kuno n'amagezi agakuweebwa, bisobola okukwoleka oba akabonero kewalonze kamaanyi oba kanafu.

## B. Eddaala ery'okubiri: waayo okusabakwo okuwandiisa akaboneroko

Bw'omala okunnoonyereza ku kaboneroko n'omanya nti weekali era kasobola okuwandiisiibwa, osobola okweyongerayo n'okusaayo okusabakwo ku URSB nga oyita kukibanja kino, https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-tmefiling/wizard.htm?execution=e1s1.

**Bino bikulu:** Okusabakwo kulina okulaga akaboneroko nga bwekafaanana. Bwekibakigambo, olina okukiwandiika, atte bwekiba kifanaanyi, olina okuteekako obufaananyi obw'okulabirako.

Okusabakwo kulina okulaga ebyamaguzi oba obuweereeza kwogenda okuteeka akaboneroko, okugeza, olina okumenya ebyamaguzi oba obuwereeza kwogenda okuteeka akabonero ako.

Bw'oba okozesa akaboneroko ku byamaguzi oba obuwereeza mubibinja eby'enjawulo, olina okuwaayo okusaba mu buli kibinja kyokakozesaamu.Okugeza, akabonero ka "AZAM" aka kampuni ya Bakhresa Grain Milling (U) Ltd, kawandiisibwa mu kibinja **30** ekya "kaawa, amajaani, omuceere n'emmere eva mubinazi n'emubuwunga. Akabonero kano, "AZAM", kawandiisibwa n'emukibinja **32** omuli "by'okunywa ebitatamiiza, amazzi, n'omubisi".


### Amakubo g'oyitamu okuteekayo okusabakwo eri URSB

Okusaba kusobola okukolebwa ku mutimbagano gw'ayintanenti oba ng'osindika ebbaluwa ejjuziddwaamu obulungi esaba akabonero eyitibwa TM2 nga eyita ku yiimeyiro.


*[a] Okusaba nga oyitira ku mutimbagano gw'ayintaneti*

Amadaala agali mukusaba akaboneroko ng'oyita ku yintaneti wammanga.

i. Kyalira ekibanja kya URSB, https://ursb.go.ug/. Nyiga "E-Services" » Intellectual Property » "Trademark application" okukutuusa ku kibanja kino, https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-tmefiling/wizard.htm?execution=e1s1





ii.




Ebitundu ebiriko emunyeenye * birina okudibwaamu byonna. Awali "Part of the Register", Londako "**A**" kubikuweereddwa. Awali "Type of mark" (ekika ky'akaboneroko), londako kubikuweereddwa, oba akaboneroko ka kigambo, logo, kifaanani oba kabonero ka langi. Kijjakweetagisa okusaawo erinnya ly'akaboneroko. Singa akabonero tekabeera ka kigambo kyokka, kijja kukwetaagisa okuwanikayo ekifaananyi ky'akabonero.


**iii. Wandiika ebyamaguzi oba obuweereza bwa bizinensi yo**

Wano waayo ekibinja ebyamaguzibyo mwekigwa. Osobola okukozesa awali "Browse terms" okuzuula ekibinja ekituufu. Singa oteeka ebyamaguzi mu kibinja ekikyamu, ekyuma kikalimagezi ky'okozesa kijja kukulaga nga oyingizza bwiino




**iv. okusaba kinnamwanjo**

Olina okusaba kwonna kwewakola ku kaboneroko mu nsi endala? Okusaba kuno kwaweebwayo mu myezi 6 egiyise nga tonaba kuwaayo kusabakwo mu Uganda? Bwekiba kityo, nyiga Ye. Bwekiba nedda, guno omutendera togufaako.





**v. Ebifa ku musabi**




Waayo ebikukwatako. erinnya, endagiriro, endagiriro ya yiimeyiro, ennamba y'essimu. Kakasa nti olina obusobozi okutuuka ku yiimeyiroyo era nga ennamba y'essimu ekola bulungi.

**vi. Kakasa era osasule**


Kakasa nti ebikukwatako byonna bituufu. Yingizaamu omukono, kozesa ernnya erijjuvu. Londako engeri y'okusasula.



*b. Okusaba nga oyitira ku Yiimeyiro*

Okusaba kusobola okukolebwa ng'osindika ebbaluwa ejjuziddwamu obulungi esaba akabonero eyitibwa TM2 ng'oyita ku yiimeyiro eno; ip@ursb.go.ug . Olina n'okusasula ebisale ebitereeddwawo.

Wammanga y'endagiriro y'okujjuzaamu foomu TM2




## C. Eddaala ery'okusatu: Okusabakwo kukeberebwa

Bw'oba omaze okusaayo okusaba kwo, omuwandiisa w'akabonero (registrar) akebera okusabakwo awamu n'akaboneroko okukakasa nti katuukaganye n'obukwakkulizo obwetaagisa okwewandiisa. Otegeezebwa singa wabaawo ekintu kyonna ekiremesa akaboneroko okuwandiisibwa.

Akaboneroko bwekaba kasaanidde okuwandiisibwa, ojjakufuna obubaka obw'okulanga okusabakwo.

## D. Eddaala ery'okuna: Okulanga obubonero

Akabonero kalangibwa mu katabo akafulumira ku kibanja kya URSB oba mu Uganda gazeeti. Okulanga okusaba kiwa abalala omukisa okuwa endowooza zaabwe ku kusaba kw'obubonero nga tebunawandiisibwa.

*Okuwakanya okusabakwo:* Omuntu yenna asobola okuwakannya okusabakwo ku kabonero amangu ddala nga kalangibbwa. Omuntu ono alina okukola sitatimenti n'alaga ensonga lwaki awakanya okusabakwo mu myezi ebiri okuva ku lunaku lw'ekirango.

## E. Eddaala ery'okutaano: Okuweebwa satifikeeti

Singa tewabaawo awakanya, omuwandiisi (registrar) akuwa satifikeeti y'obwannanyini. Okufuna satiifikeeti, oyita kukibanja kya URSB https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-eservices/tm-registration.htm?execution=e1s1.


**KINO KIKULU:** Olina emyezi 12 mw'olina okumalirizaayo emitendera gy'okuwandiisa obubonero. Bw'olemwa okutuukiriza etteeka lino, okusabakwo kutwaalibwa nga okusuuliddwawo. N'olwekyo, kijja kuba kikwetaagisa okuddamu buto okusaba n'okusasula ebisale.

# OKUKUUMA N'OKUKOZESA OBUBONERO

Bw'owandiisa obubonero, ofuna eddembe n'obuyinza obw'amaanyi. Kyokka, osobola okufiirwa eddembe eryo singa obuvunaanyizibwa obumu tobukola. Obuvunaanyizibwa buno bulimu bino wammanga;

*[a] Okuzza obuggya obwannanyini ku bubonero*

Okwewandiisa okusookera ddala kumala ebbanga ly'amyaka 7 okuva kulunaku lw'ewatekayo okusaba kwo. Osobola okuzza obuggya obwannanyini bw'akaboneroko nga ojjuza foomu TM10 n'osasula n'ebisale, emitwaalo kumi eza Uganda nga oyita ku kibanja kino, [https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-eservices/tm-renewal.htm?execution=e2s1](https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-eservices/tm-renewal.htm?execution=e2s1).




Okuzza obuggya kuno okusooka, kukwongera emyaka emirala kumi (10) egy'obwannanyini. Era, awo buli luvannyuma lw'emyaka kumi, osobola okwongezaayo obwannanyibwo kukabonero paka kufa.

*[b] Okuwandiisa enkyukakyuka mu bikukwatako mu lijesita ya URSB*

Enkyukakyuka mu bikukwatako zisobola okubeeramu bino wammanga; endagiriro, okukyusa erinnya lya bizinensi, okukyusa obwannanyini okugeza singa oba otuunze oba nga ogabye akaboneroko eri omuntu omulala. Bw'olemererwa okuwandiisa enkyukakyuka ne URSB, kisobola okukuleka nga tolina lukusa mu kabonero ako. [https://www.ursb.go.ug/dynamic-pages/trademark-filings](https://www.ursb.go.ug/dynamic-pages/trademark-filings)

*[c] Okukozesa akaboneroko akawandiise*

Oteekeddwa okukozesa akaboneroko nga kamaze okuwandiisibwa. Singa kikakasibwa nti akaboneroko kabadde tekakozesebwa mu bbanga elissuka emyaka esatu oluvannyuma lw'okwewandiisa, kayinza okusazibwamu.

*[d] Labiriza enkozesa y'akaboneroko mu katale*

Oteekeddwa okwenyigira butereevu mukulaba oba bemuvuganya bakozesa akaboneroko oba akakeefaanaanyiriza nga tobawadde lukusa.

## Kiki kyoyinza okukola singa omuntu aba atyoboola akaboneroko

Okutyoboola kubeerawo nga omuntu yena akozesa akaboneroko ku byamaguzi byabwe nga tomuwadde lukusa. Singa ozuula omuntu yenna atyoboola akaboneroko, osobola okumuwandiikira ebbaluwa emuwabula okukomya okutyoboola okwo. Omuntu oyo singa takkiriza kusabakwo, olwo ensonga zongerwayo mu mateeka.

Okutyoboola kusobola n'okubaawo singa okizuula nti waliwo omuntu agezaako okuwandiisa mu URSB, akabonero akafanana akako mu byamaguzi ebifaanana ebibyo. Osobola okuwaayo okuwakanyakwo eri URSB nga obasaba obutawandiisa kabonero kafanana akako.

## Okuwandiisa obubonero mu nsi endala

Okuwandiisa obuboneroko mu Uganda kikuwa eddembelyo mu Uganda yokka. Ky'amagezi ddala okuwandiisa akaboneroko wabweru singa obeera nga oyagala okukakozesa mu nsi endala. Bw'oba oyagala okutunda ebyamaguzibyo oba obuweereza mu nsi endala, olina okulowooza kukyokuwandiisa akabonero mu nsi ezo. Okuwandiisa akabonero kikuwa obukuumi mu nsi eyo yokka oba mu kitundu mw'okawandiisirizza.

*Oyinza otya okuwandiisa obubonero mu nsi endala?*

Waliwo amakubo mwoyinza okuyita okuwandiisa obubonero mu nsi endala.

*Ekkubo ly'eggwanga.* Osobola okusaba nga oyita mu ofiisi z'ob bonero mu buli nsi mw'oyagala okufuna obukuumi. Nga bwekyalagiddwa mukusooka, eggwanga liyinza okukwetaagisa okukozesa munamateeka mu buli nsi mw'oteeka okusaba kwo.

*Ekkubo ly'amawanga amagatte munsi.* Osobola okusaba nga oyita mu bitongole eby'ensi engatte musonga z'obubonero. Bw'oba oyagala okufuna obukuumi okuva mu nsi zimemba z'ebitongole ebyo, osaba okwewandiisa ng'owaayo okusabakwo eri yafeesi z'ebitundu ezo. Olina okufuba okumanya nti ensi z'oyagala, zimemba mubitongole ebyo.

Ezimu ku yafeesi z'ebitongole ebikwataganya ensonga z'obubonero kurw'ensi endala mulimu; The African Regional Intellectual Property Organization (ARIPO) www.aripo.org; The Benelux Office for Intellectual Property (BOIP) for protection in Belgium, the Netherlands and Luxembourg www.boip.int; The European Union Intellectual Property Office (EUIPO) www.oami.europa.eu; awamu ne, The Organisation Africaine de la Propriété Intellectuelle (OAPI) www.oapi.int.

# EBIKA BY'OBUBONERO OBULALA

*[a] Obubonero obukakasi (Certification marks)*

Akabonero akakakasi ky'ekika ky'obubonero akakozesebwa okulaga abaguzi nti enkola y'ebyamaguzi kwekateereddwa, etuukaganye n'omutindo oba ebyeetaaagisibwa okukozesa akabonero ako.

Akabonero akakakasi ebiseera ebisinga kasangibwa ku byamaguzi ate era keeyolekera ne kusatifikeeti efulumizibwa ekitongole ekikalinako obuvunanyizibwa.

*Eby'okulabirako:*

Akabonero kano aka **Uganda National Bureau of Standards (UNBS).** Singa kasangibwa ku byamaguzi, kiba kitegeeza nti ebyamaguzi ebyo bikolebwa ku mutindo gw'okubifulumya ogulagirwa UNBS.

**B**w'olaba bizinensi oba wooteeri oba ebyamaguzi nga birina kano akabonero, kitegeeza nti bizinensi etuukaganye n'omutindo gwa Halal ogwateekebwawo akakiiko ako.

Akabonero kanokafulumizibwa ku byamaguzi byonna ebivumbuddwa oba ebikoleddwa mu Uganda.

*[b] Obubonero obukozesebwa ba memba (Collective marks)*

Buno bw'ebubonero obugata abantu abali mukitongole oba ekibiina nga bakola ebyamaguzi oba obuweereza obufanagana obulina okutuukatuuka nomutindo oguteeredwaawo.

Ebiseera ebisinga, ekitongole kino oba ekibiina kitondawo ebisaanyizo n'amateeka aganaagobererwa munkozesa yaakabonero kano; ba memba balina okutuukiriza ebisaanyizo ebyo okukozesa akabonero.

*Eby'okulabirako;*

**"The Uganda Law Society"** kibiina eky'obweggassi bwa bannamateeka mu Uganda. Akabonero kano kakozesebwa bamemba b'ekibiina kino.

Akabonero "CA" kakosebwa bamemba abeeggattira mu kitongole ky'eby'enfuna.

*[c] Obubonero obumanyikiddwa obulungi*

Obubonero obumanyikiddwa obulungi bwebwo obubonero obulina omuzinzi mu Uganda. Muno mulimu, **MTN, AIRTEL, OMO, NOMI, JESA, BRITANIA and MOVIT**.

Mu Uganda, omuntu omulala okukozesa obubonero obumanyikiddwa bwebutyo kiyinza okuleetawo okubuzaabuza ku ani akola ebyamaguzi ebyo. Kino kisobola okukosa ekitiibwa kya bizinensi eri nnanyini kabonero kyazimbidde ebbanga eddene.

## OLUKALALA LW'EBIJULIZIDDWA N'ENSONGA ENDALA EZ'AMAKULU

URSB

www.ursb.go.ug

The Economics of Trademarks

https://www.wipo.int/edocs/pubdocs/en/wipo_pub_944_2013-chapter2.pdf

Brands – Reputation and Image in the Global Marketplace

https://www.wipo.int/edocs/pubdocs/en/intproperty/944/wipo_pub_944_2013.pdf

IP issues from a business perspective

https://www.wipo.int/sme

Trademarks in general

www.wipo.int/trademarks

Making a Mark - An Introduction to Trademarks for Small and Medium-Sized Enterprises; a WIPO Publication

https://www.wipo.int/edocs/pubdocs/en/wipo_pub_900_1.pdf

List of websites of national and regional trademark offices from around the world

https://www.wipo.int/directory/en/urls.jsp

The International Classification of Goods and Services for the Purposes of the Registration of Marks under the Nice Agreement

www.wipo.int/classifications/nice

WIPO Arbitration and Mediation Center

www.wipo.int/amc

Global Brand Database – free-of charge trademark-related searches across multiple collections

www.wipo.int/reference/en/branddb

Intangible Capital in Global Value Chains

https://www.wipo.int/edocs/pubdocs/en/wipo_pub_944_2017.pdf

Online trademark availability search

https://ursb.go.ug/dynamic-pages/trademark-search.

Online trademark application

https://iponline.ursb.go.ug/sp-ui-tmefiling/wizard.htm?execution=e1s1

Trademark agents

https://agents.ursb.go.ug/search/rm_tmagents_list.php

What is trade mark classification? :What is trade mark classification? - CITMA, https://www.citma.org.uk/trade-marks-ip/how-to-get-a-trade-mark/what-is-trade-mark-classification.html .

What is a trademark?, https://govt.chinadaily.com.cn/s/201812/28/WS5c0a0bd4498eefb3fe46e5fa/what-is-a-trademark.html.

*brand value:* https://retail.economictimes.indiatimes.com/news/industry/covid-19-to-shave-usd-25-bn-off-from-top-100-domestic-brands-value-report/76135844.

*Trademark process | USPTO - United States Patent and ...*, https://www.uspto.gov/trademarks/basics/trademark-process.

*ENHANCING YOUR RIGHTS THROUGH FEDERAL REGISTRATION*, https://www.uspto.gov/sites/default/files/BasicFacts_0.pdf.

*Registering a Trademark - The Chronicle*, https://www.chronicle.co.zw/registering-a-trademark-step-by-step-guide-for-smes/.

What is product certification? How is it different from, https://www.unilibrary.org/content/books/9789213618141s023-c007.

*Collective trade mark*, https://en.wikipedia.org/wiki/Collective_trade_mark.

## OFIISI ZA URSB EZ'EBITUNDU MU UGANDA

**GULU**
Ministry of Justice and
Constitutional Affairs Building,
Plot 68, Princess Road, Gulu.

**MBARARA**
Ministry of Justice and
Constitutional Affairs Building,
Plot 1, Kamukuzi Hill,
Mbarara.

**MBALE**
Ministry of Justice and
Constitutional Affairs Building,
Plot 3, Park Crescent
Mbale.

**ARUA**
Ministry of Justice and
Constitutional Affairs Building,
Plot 42/44 Pakwach Road.

**GREATER MASAKA REGION**
Mayors Chambers
Plot 26, Edward Avenue,
Masaka.

**KAMPALA BRANCH OFFICES**

**POSTA UGANDA**
Plot 35 Kampala Road, Posta
Uganda
Booth 2 & 3.

**NAKIVUBO**

Nakivubo Mews,
Sekaziga House, 1st Floor

UGANDA REGISTRATION SERVICES BUREAU


HEAD OFFICE
Business Facilitation Centre,
Plot 1, Baskerville Avenue, Kololo,
P.O.BOX 6848, Kampala, Uganda.

Telephone:
+256 417–338000
Call Centre:
0800-100006

WhatsApp: 0712-448448
Web page: www.ursb.go.ug
Email: ursb@ursb.go.ug

URSBHQ    @URSBHQ